


Abayizi ba Nkokonjeru Primary School e Mbarara nga bakola ekigezo kya Bukedde.

# Amasomero gajjumbidde ebigezo bya Bukedde ebimalako ttaamu

Bya LAWRENCE KIZITO

AMASOMERO okwetooloola eggwanga gajjumbidde ebigezo bya *Bukedde* ebimalako ttaamu esooka eby'abayizi abali mu P7.

Eggulo abayizi baakoze ekigezo ky'okubala, era okusinziira ku avunaanyizibwa ku kutunda amawulire ga *Vision Group* Bruce Byaruhanga, amasomero mangi agali mu bitundu by'eggwanga ebiri ewala gajjumbidde okugula *Bukedde*, ne gawa abayizi baago ebigezo bya *Bukedde*.

Byaruhanga yagambye nti, ebigezo bino biteekebwateekebwa abasomesa abakugu okuva mu masomero agali mu Kampala ne Wakiso, nga kino kiwa omuyizi wo omukisa okugabana ku bukugu bw'abasomesa ab'amaanyi be batasobola kufuna nga basoma.

Amasomero agataasobodde kukola kigezo kyasoose, Byaruhanga yabawadde amagezi okukuba ku nnamba 0782800840 basobole okufuna amawulire ga *Bukedde* mu budde, bongere okuwagala obwongo bw'abaana.

Enkya abayizi bagenda kukola ekigezo kya Social Studies, ku Lwokusatu bakole Ssaayansi ate ku Lwokuna bakole Olungereza.

Olwaleero mulimu ne ansa z'ekibuuzo ky'okubala abayizi kye baakoze eggulo.

Byaruhanga yasabye abazadde n'abasomesa okwekwata *Bukedde* n'enteekateeka zaayo eziyamba abayizi okuyita ebigezo obulungi.

Mu masomero gaabwe yabasabye baggulewo kiraabu za PASS PLE, nga zijja kusobozesa abasomesa abasomeseza mu *Bukedde* okutuukako mu masomero awali kiraabu zino, bongere okubangula abayizi n'okugabana amagezi n'abasomesa baabwe.

Ebigezo bono nga biwedde, *Bukedde* ajja kuddamu okufulumya ebibuuzo bya PASS PLE buli lwa Mmande n'Olwokuna, era abazadde n'abasomesa Byaruhanga yabakubirizza okusigala nga bagula amawulire gano, basobole okuyamba abayizi baabwe.